

**P360/2
LUGANDA
OKUKYUSA,
OKUWANDIIKA
EMBOOZI,
OKUSOMA BWINO
N'OKUFUNZA
Paper 2
August, 2022
3 hours**



UNNASE MOCK

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

(OKUKYUSA, OKUWANDIIKA EMBOOZI,

OKUSOMA BWINO N'OKUFUNZA)

OLUPAPULA OLWOKUBIRI

ESSAAWA SSATU

EBIGOBERERWA

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina A, B, C ne D bya buwaze.*
- *Mu kitundu B oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu*

EKITUNDU A
Ddamu 1(a) ne 1(b)

1. a) Kyusa ekitundu kino okizze mu luganda

(Obubonero 15)

NEGLECTED ENTRY POINTS

A part from truck drivers, district authorities said foreigners who cross into the country pose a bigger problem.

According to Charles Nsimbe Njube the District Vice Chairperson and Councillor for Kyebe sub-country the entry points at Minziro, Nangoma Island and kasensero landing site are not monitored.

He said the task force has not deployed health personnel and logistics to screen foreigners from Rwanda and Tanzania who use these routes.

Nsimbe said some Tanzanians use various entry points in Malamagambo Forest to enter Uganda unscreened.

“ Simply, put. The more laxity, the more risk of infections” , he said. However, the police said they have intensified patrols along the porous borders to curtail illegal entry.

RDC Matovu said, the border liaison officers share information with Tanzanian authorities to see how to go about the problem.

Extracted from the New Vision Tuesday April 28th , 2020

1. b) Kyusa ekitundu kino okizze mu lungereza

(Obubonero 15)

**ENGERI Y’OKUKWATAMU ETTUTUMU N’OBUMENYI BW’AMATEEKA
MU BAVUBUKA**

Eyasooka okuba mukama wange emyaka egiwerako nafa sinneegatta ku kitongole kya poliisi, yanyoomanga nnyo omugigi gw’abantu abettutumu oguliwo kati abalabikira mu miko gy’empapula z’amawulire n’emikutu gyempuliziganya.

Yettaniranga nnyo ebyo bye baasobolanga okutuukiriza n’ensimbi zaabwe wabula ssi kusukkulumya biruubirirwa byabwe n’okusinga obulamu nga banyooma abalala be babeeramu n’okwetaba mu bikolwa eby’obummenyi bw’amateeka oba enneyisa eyinza okubaleetera obuzibu. Yali era akyali

musajja eyeenyumiriza mu mugaso gwa buli nnusu efunwa alengera ewala okusinga ku ttutumu ly'alina .

Yabanga ndowooza nti omuntu okussibwamu ekitiibwa ng'omugagga ng'alina okumumatiza ko n'abalala mu ns nti abadde n'ensimbi era yeekuumidde mu ttutumu lye okumala ebbanga eritakka wansi wa myaka amakumi oba egikunnukiriza okuwera.

Endowooza ye yali nti abamu ku bavubuka ab'ettutumu beetaba mu nkola ezitali za bwesimbu ne bagaggawala mangu, olwo ne basaasaanya omusimbi mu kunywa omwenge, obwenzi n'enneyisa naddala ezitali za buvunanyizibwa ebibaleetera okuddamu okwavuwala ekiyinda okubafuusa mbeera z'obulamu ezinyiga ne bafa nga bato oba okubulwa enkola ennuggamu okutwalira awamu.

(Biggyiddwa mu New Vision, lwakuna nga munnana n'ebikyusiddwamu ebitonotono).

EKITUNDU B **Kola 2(a) oba 2(b)**

2. a) Ku mitwe egikuweereddwa , londako gumu oguwandiikero emboozi ya bigambo 350-400 ***(Buli mutwe gwa bubonero 30)***
- (i) Wandika emboozi ng'okkaanya n'endowooza nti Ebibiina by'obwannakyewa mu ggwanga bifuuse bya bulabe ensangi zino.
 - (ii) Kinywa ky'amaggwa akisiba y'amanya bw'akyetikka
 - (iii) Osekanga olekamu
 - (iv) Obukulu bw'emirimu gya senga eri omuwala.

Oba

2. b) Ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga bw'olagiddwa mu bukomera. ***(Buli mutwe gwa bubonero 15)***
- (i) Gwe nga nfa nfe w'omugole omusajja , ku lunaku lw'embaga ye akulonze oyogereko eri abazze ku mbaga ku by'omumanyiiko. Wandika okwogera kwo nga bwe kwandibadde. ***(Kozesa ebigambo nga 200)***
 - (ii) Wandika omuko mu mawulire ng'olaga obuzibu obuli mu kwewola ensimbi mu bibiina ebyakazibwako erya SACCO ebikolebwa mu bitundu mwe ubeera. ***(Kozesa ebigambo nga 200)***
 - (iii) Mwetamidwa enneeyisa ya muka ssentebe w'ekyalo kyammwe ate ng'amunenyako bba amuwalana kufa.Wandika ebbaluwa eya

kirokitwala omunaku gy'onootimba ku muti oguli abantu we balindira takisi ng'olangira muka ssentebe by'akola ebitasaana . **(Kozesa ebigambo nga 150)**

(iv) Ggwe akulira abavuzi ba boodabooda mu ggombolola yammwe.
Okyaziddwa ku ttivi emu mu ggwanga ku pulogulaamu
“kuuma obulamu bwo” owe bavuzi banno amagezi ku ngeri
y’okwekuumamu ettemu eribakolebwako ensangi zino.
Wandiika okwogerakwo nga bwe kwandibadde
(Kozesa ebigamo nga 200)

EKITUNDU C

3. Soma ekitundu kino n’oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Waliwo abatandise okutya nti embeera ya ssenyiga omukambwe (Corona virus) eyinza okuwaliriza Gavumenti okwongezaayo okulonda kwa pulezidenti okubadde okw’okubaawo mu 2021.

Bagamba nti enteekateeka zikulembera okwesimbawo zandibadde zitandise mu mwezi guno (April) , kyokka buli kintu kyayimirira dda lwa Corona.Bannamateeka mu ggwanga bavuddeyo ne bawa endowooza zaabwe ku bweraliikirivu abantu bwe balina .Yusufu Nsibambi yagambye nti Gavumenti ky’esobola okukola nga tekaluubiriziddwa kwongerayo myezi mukaaga gyokka ng’akakiiko k’ebyokulonda bwe keetereeza.Ebbanga ery’emyezi omukaaga liri mu Ssemateeka ara palamenti erina obuyinza okutunuulira embeera n’esalawo, kyokka ebbanga bwe liba lisukka ku lino kitegeeza nti balina okukyusa Ssemateeka ekitali kyangu.

Yalaze nti okwetooloola eggwanga nti otegeka kalulu ka kikungo lusozi lunene Gavumenti lw’etasobola kwetantala era bannansi bagume Ssemateeka yasiba okulonda kuno kuteekwa okubeerawo okuggyako nga Ssenyiga omukambwe yeeyongedde nnyo okunyiga eggwanga n’ensi yonna.Erias Luyimbaazi Nalukoola yagambye nti eggwanga teriri mu mbeera yaakatyanga ekiyinza okuvaako okwongerayo Okulonda .Yategeezezza nti ekirungi abantu abalwala Corona bawona n’asaba abantu okubeera abagumu.Yagambye nti ennyingo esooka mu ssemateeka obuyinza bwonna yabussa mu bantu. Okukyusa okulonda kitegeeza kukyusa Ssemateeka ate tosobola kukikola okuggyako ng’osoose kwebuuzza ku bannansi.

Embeera y’obulwadde obuliwo tekyusisa kulonda kubanga ebizibu nga bino bisobola okubeerawo naye tekitegeeza kukyusa Ssemateeka.Kyokka Moses Matovu owaM/S Advocates yagambye nti abantu batuufu okweraliikirira kubanga tewali amanyi bulwadde buno we bunaggweerawo.Yategeezezza nti mu mbeera y’ebigwa tebilaze nga Corona, tewabeerawo kyakukola buli

kintu kisobola okuyimirira kubanga tewali akireese.Yagambye nti okutonda kutandikira ku mitendera egyenjawulo era emitendera egimu ng'okulonda kw'ebibiina eby'obufuzi ng'embeera bwebadde.

Embeera ekyali ya kuteebereza era ndaba kisoboka okwongerayo okulonda wadde amateeka we gali naye ebigwa bitalaze bisobola bulungi okuyimirizza okulonda okwo.

Omubaka Medard Lubega Sseggoni nga naye munnamateeka, yagambye nti wadde embeera egenda mu maaso ya bulwadde kyokka tewali nsonga eyongezesaayo okulondaOkulonda kuli mu Ssemateeka atamala gawatibwako nti ayimirizibwa. Tewali nsonga eyongezesaayo kutonda kati. Toyinza kugamba nti ssente teziriwo. Buli kintu weekiri era eggwanika lirimu ssente kati abantu mbagamba nti okulonda kugenda kubeerawo.

Yagambye nti Ssemateeka ewa Gavumenti eno ekiseera kya myaka etaano okuvaako era okukyusa ekiseera kitegeeza kukyusa Ssemateeka ekitali kyangu.Kenneth Paul Kakande yagambye nti okulonda kuli mu Ssemateeka wa ggwanga atamala gawatibwako . Okukyusa Ssemateeka kuyita mu mitendera omuli n'okusooka okukuba akalulu k'ekikungo ekitali kyangu.Kakande yagambye nti wadde embeera y'ebiggwa bitalaze esobola bulungi okukyusisa okulonda naye ebiriwo tebikyusisa kulonda era abantu tebasaanidde kutya.

Ebibuuzo

- (a)Nsonga ki eziyinda okwongesezaayo okulonda? *(Obubonero 3)*
- (b)Bannamateeka abagumya abantu ng'okulonda bwe kugenda okubaayo beesigamywe ku ki? *(Obubonero 3)*
- (c)Wa ezimu ku nteekateeka ezoogeddwaako mu kitundu ezirina okubaawo ng'okulonda kwa bonna tekunnabaawo .
(Obubonero 4)
- (d)Laga ebintu bannamateeka aboogeddwaako mu kitundu bye bafaanana okukkanyaako. *(Obubonero 3)*
- (e)Obuzibu bw'okukyusa Ssemateeka bulagiddwa butya mu kitundu kino?
(Obubonero 3)

(f) Nyonyola ga bino wammanga nga bwe bikozeeddwa mu kitundu ky'osomye

- (i) Akalulu ak'ekikungo
- (ii) Akalulu akekikungo
- (iii) Ssemateeka
- (iv) Akawaayiro
- (v) Lusozi lunene

(Obubonero 4)

EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100

Ensi bw'egenze ekula ebintu bingi ebikyuse mu kwagala n'obutaagala era ng'omuntu obutasigalira mabega ,olina kugenda na nkyukakyuka ezo wadde nga tewandizaagadde ,naye ng'onookola otya !

Abakyala abaatuulanga ewaka ne baboobeza eddigobe okulabirira abaana n'okuwembejja omwami nabo osanga beetala bava eno badda eri bayigga na kuwenja mwana wa musiraamu babeeko kye bayambako ku byetaago by'awaka kati ebiyinze abaami so ng'edda baabanga bakamala byonna ng'eggalo essajja mu buli kyetaagis awaka.

Mu ngeri eyo buli mukazi afuluma enju agende abeeko kyayiiya yeetaaga yaaya gw'anaaleka awaka amuyambe ku gyandibadde egigye nga mwe muli n'okusigaza amabujje okuva ku bayonka okutuuka ku bayiga okwenaaza.

Naye haaa.....kiri luno .Atannakozesa yaaya y'atannaloza ku kanzuunzu ali mu bantu bano.Si bangu,bakaluba nga Kikongo.Okufuna alimu omulamwa weesunako kuba ba bbula nga zziga lya kkapa.Naye nno munnange ng'onookola ki ? W'olumira ku ly'ogenda okukoza.

Kati waliwo abantu abantu ssekinnoomu oba Kampuni abakola ogw'okunoonya abawala oba abalenzi ab'okukola obwa yaaya era nga b'otuukirira bw'oba oyagala anaakuweereza.Weebuuzi oba eby'empisa birowoozebwako mu busuubuzi nga buno?!

Bangi bajja okukola ng'ebigendererwa byabwe bisukkuluma ku ky'okufuna ssente.Abandi baagala kubeerako mu bibuga bafune ku bulamu obulungi.Abalala naddala abawala bab basuubira okutandikira awo bafune emirimu emirala oluvannyuma n'abalala baba n'essuubi ery'okwefuniora ku basajja ab'okufumbirwa ku kibuga etali kidima.

Bano nno be babeera n'abaana ebbanga erisinga obunene.Bw'ofuna alimu engalo n'abaana banditwala ekyo.Towulirangayo bawalabakabuwaza baana abalenzi abato be babeera nabo? Oba abalenzi okwonoona abaana abawala be bakoleramu?Bino byonna abazadde balina okubyeendereza.

Mwattu abandi bwe batandiia okukola ,mu bitundu mwe babeera bakwanamu emikwano egitali myesimbu mu kubalimbalinga ne gibakozesa ensobi olumu n'okusigula ne gibayingizamu buntu ebibasulamu ddubi. Ebyembi bino bikolebwa ggwe kamuleeta atasiiba ku kyalo mpaawo ky'omanyi.

Kyokka wabaayo abaweereza obulungi,olw'okugunjulwa obulungi gyebaakuzibwamu ne basiimwa era ne bafuukira ddala baana ba waka.Abamu olw'obuweereza obulungi bazzibwa mu masomero okutegekerwa ebyokukola ebisingawo obulungi.

Mukyala omukozesa teweeeyibaalabw'oba ggwe wakuzibwa obubi ,tolina njogera ,gwe munyaga, ettooke lyakulema okuboozeza, omwami omuyisaamu eg'engege!Wandikifuna obuzibu nga yaaya wo oyo omuwala akukubisa kaga mu byonna . Wandikifuuwa ng'okizza munda nga balo amututte omutima. Ebinaddirira nnyabo oli muntu mukulu weerowooleze!

Bikomye Wano